
# Gunjula omwana wo mu mpisa ennungi okuze ekitone kye

FRED Mulindwa, akulira ekibiina ky'abasajja Abakristaayo abafumbo (Fathers' Union) e Kanyanya agamba nti:

- Ekitone omuntu ky'aba nakyo guba mukisa okuva eri Katonda eky'embi abasinga obungi tebakimanyi. N'olw'ensonga eyo, omuzadde bw'alaba ekitone mu mwana ng'akyali muto, kisaana okumuyambako okutuukiriza ekyo ky'aba alabye mu mwana naye abasinga obungi bakireka awo. Bannaffe Abazungu bo bakikola era ky'ova olaba nti, bbo bali wala.
- Buli kimu kye tukola tulina okukulembeza Katonda ne tumusaba okusobola okutuukiriza ebitone byaffe Katonda bye yatuwa.



Fred Mulindwa

- Buli muzadde yenna ng'oyagala omwana wo abeere bulungi, mutandikeko ng'akyali muto okusinziira ku kitone ky'alina.
- Nga Katonda bwatayagala ba malala, omuzadde olina okufaayo ku ng'unjula y'omwana wo anti ne Bayibuli ekirambika nti, "Suula omuggo, oyonoone omwana".
- Nga omuzadde, olina okufuba omwana wo okumulaga ekkubo ettuufu ng'akyali muto, asobole okubeera obulungi mu biseera bye eby'omu maaso ng'akozesa ekitone ky'alina.
- Omuzadde fuba okulaba nti, omwana wo yenkanyankanya ekitone n'okusoma. Kakasa nti, omwana akimanyi nti, okusoma kulungi, okusoma kwe kumuwa amagezi n'okukuza ekitone kye n'obukugu obw'ekika ekya waggulu
- Omwana ow'ekitone muleke akole emirimu gy'awaka, azannye ne banne abalala n'okukolera awamu nga ttiimu. Weewale okuboonoona ng'obagulumiza, obawa ebirabo oba okubayisa mu ngeri ey'enjawulo ku bannaabwe lwakuba bbo balina ebitone.
- Basomese nti, okulemererwa n'ensobi bitambulira wamu n'okuyiga ekibasobozesa okusigala nga bagenda mu maaso.